**ABAEBULANIYA ESSULA 12**

## Essula gyetukubye emabega elambika bulungi emiganyulo egiri mukukkiriza era neewa eky'okulabirako eky'abasajja n'abakazi ab'okukiriza.

### Ekissaawe

Ebyawandikibwa bulijjo biwa ekifananyi eky'omuddusi wembiro z'empaka okusobola okufuna eky'okulabirako ky'ekibinja ky'abantu abatunulira empaka era ekitali kyabulijjo. Tufuna okutegeera nti bano si batunulizi butunulizi naye abatukirivu abamaze embiro z'abwe era nga kati bali mukitiibwa bwe batunulira nkaliliza abo bonna abakyaduka embiro z'abwe. Olabira ddala nti bakubiriza omuddusi okukola obulungi enyo nga bw'asobola olwo nno bamalirize bulungi. Tukyalina obudde okweegata kukibinja kino ekinene ekyabajulirwa era twetagira ddala okuzibwaamu amaanyi tusobole okumaliliza embiro zaffe obulungi.

### Okudduka embiro

Okudduka obulungi omuddusi yena yetaaga okuba nga y'etesetese bulungi wamu n'okwambala nga bwe kigwanide. Embiro zaffe mubulamu zirina ebiziyiza binji era nembeera ezigezaako okuziyiza okuwangula kwafe. Ekibi kiyinza okutwekikamu era twetaaga okukyewala. Ebikemo bisobola okuba eby'amanyi enyo naye tusobola okubiwangula. Kitugwanira okudduka embiro zaffe kulwafe, tetuteekwa kugezaako kudduka mbiro z'ategekerwa muntu mulala naye kitugwanira okuzuula embiro zenyini Katonda z'atutegekedde. Bwetuba ebweru w'okwagala kwa Katonda kwalina gyetuli embiro zaffe gufuuka mulimu muzibu ddala. Okuzuula okwagala kwa Katonda n'okutambula mubuvumu mwekyo kyatulaze ffe ye kituyamba okudduka embiro obulungi.

### Okutunulira Yesu

Bwetuba tuduka embiro tutekwa okulaba Yesu ng'atukulembede era amaaso gaffe tulina kugassa ku ye yekka. Kye ky'okulabirako kyaffe ekisingira ddala, era embiro ezize zaali zanjawulo. Yali yayawulibwa okumegana n'ekibi, sitaani n'okufa. N'okumalilira okungi teyatunulira misinde milala gyona naye yalemerako okutuusa kunkomerero newankubadde nga eno yali ssadaaka nnene. Yatuula wansi kumukono ogwa ddyo ogwa Katonda ng'amanyi bulungi nti amaze okukola ebyo byona Katonda bye yamuyitira okukola. Ekiswaalo, obukambwe, obusungu n'obukyaayi byeyayitamu tebyamuziyiza. Nga bwe tudduka embiro zaffe, newankubadde nga nzibu zitya tetulisobola kubonabona nga bwe yabonabona.

### Empisa

Nga tudduka embiro Katonda z'atutegekedde, tulina okugoberera empisa z'obwa Katonda tusobole okusigala kumulamwa. Okukangavvula kwa Katonda n'okunenya mukwagala si kwa kutuzikiriza naye okutufuula ekisingayo obulungi kyetusanide okubeera. Okukangavvula kwa Katonda mukisa ddala gyetuli kubanga b'akangavvula baba baana be. Bw'obeera omwaana wa Katonda ojja kwagala okunyumirwa emikisa gye gyona naye oteekwa okukkiriza okukangavvula kwe.

Ebyawandikibwa bikakasa nti kino si kyangu naye bwe twanukula obulungi ebibala bizaalibwa era Katonda aleeta obutebenkevu mubulamu bwaffe.

**Okudduka n'abalala**

Ngatudduka embiro tuteekwa okumanya nti waliwo baganda baffe ne banyinaffe mu Kristo era n'abalala abali munsi abatwetoolodde. Twetaaga emirembe so ssi kukuubagana era tunoonya obugumiikiriza mukifo ky'obuteegumiikiriza. Abalala bwe batukosa tuteekwa okukuuma emitima gyaffe tusobole okuziyiza obukaawu okukula munda muffe. Tuteekwa okussa essira ku kusanyusa Katonda so si kwekiriranya era tuteekwa okukwaata okukkiriza kwaffe mu Kristo ng'okwomuwendo enyo, okwo okwatuweebwa.

**Okuberawo kwa Katonda**

Omuwaandiisi mu nyiriri 19-29 atulaga ebiseera Musa bwe yali kulusozi nalaba ekitiibwa n'obukulu bwa Katonda. Tukimanyi bulungi nti okubeerawo kwa katonda ebiseera ebimu kusobola okuba ekintu ekitiisa ennyo, tusanyukira mu kwagala kwalina naye ate tumanyi obukulu n'obutukuvu bwe. Okw'etooloola namulondo ya Katonda waliwo bamalayika ne ba kerubi ne ba seraafi, n'abatukuvu baliyo olw'omusaayi gwa Yesu ogwayiika. Wakati wabino byona waliwo okutegeera kwa Yesu nga akaliga ka Katonda omusaayi gwe ogwayiika kulwaffe. Katonda atufudde ekitundutundu kubwakabaka bwe, obwakabaka obutayinza kunyenyezebwa, naye nga Yesu tanakomawo nate walibaawo okukankana okw'amaanyi mu mawanga. Tuba balamu bwe twesigama ku Kristo ng'omusingi gwaffe kubanga bwe bukuumi era essubi lyaffe. Omuliro gwa Katonda tegwewalika naye tetuteekwa kutya bwe tuvvunamira Kristo ng'omulokozi waffe.

**Ensonga ez'okulowoozaako**

1. Kigasa kwenkana ki okumanya ebikwaata ku ggulu ng'okyali mulamu wano kunsi?
2. Tumanya tutya ebibi ebitusiba?
3. Lowooza ku ngeri eza buliwo ezisobola okukukuuma ng'otunulide Yesu.
4. Ngeri ki gyotegeramu nti mukaseera kano Katonda ali mu kukukangavvula?
5. Omanyi yo obukaawu bwona mubulamu bwo obutanaba kukolebwa ko?
6. Tugerageranya tutya kyetumanyi wakati w'ekiruyi kya Katonda n'obutukirivu bwe netutava mukutegeera omukwaano gwe n'okusasira kwe okw'amaanyi gyetuli?

**Mukama Abawe Omukisa**

**Nze Rev. Richard Ne Elaine Brunton**